# Minisita alaze pulaani ya Gavt. okwongera ku muwendo gw'abawala abakola ssaayansi



Minisita Dr. Musenero



Abayizi abawala nga basoma amasannyalaze.

Bya LAWRENCE KIZITO ne UMARU KASHAKA

GAVUMENTI egenda kuleeta enkola ey'okuyamba abaana abawala okwongera okusoma ssaayansi, oluvannyuma lw'okukizuula nti ekisaawe kya ssaayansi kimaamiddwa nnyo abalenzi.

Enteekateeka eno yayanjuddwa minisita wa Ssaayansi, Tekinologiya n'obuyiiya Dr. Monica Musenero, mu mboozi ey'akafubo gye yabaddemu n'olupapula lwa Bukedde.

Musenero yagambye nti enteekateeka eno egenda kutandika mu kisanja ekijja ng'ewomeddwaamu omutwe minisitule gyakulembera, kubanga abakazi bwe bayingira ssaayansi, bayiiya ebintu bingi ebirabika nga bya njawulo ku bannaabwe abasajja.

Musenero yagambye nti abawala ebintu bye bayiiya mu kisaawe kya ssaayansi biba bya njawulo nnyo, naye mu kiseera kino ssaayansi wa Uganda ajjudde basajja, nga Gavumenti kwe yavudde okuleeta enteekateeka eno okusobola okwongera ku muwendo gw'abakazi abali mu kisaawe kya ssaayansi.

Musenero yeebazizza minisita w'ebyenjigiriza Janet Museveni olw'ensomesa empya eyaleetebwa ku mutendera gwa S1 okutuuka ku S4 gye yagambye nti eyambye nnyo abawala okwongera okwagala amasomo ga ssaayansi, naye mu nsomesa enkadde bangi baali tebasobola kumalako.

Ensomesa empya yatandika okuteekebwa mu nkola mu 2020, n'ekigendererwa eky'okufulumya abayizi abalina obukugu okwetandikirawo emirimu, n'okuweebwa emirimu nga basobola okukola wamu n'okuyiiya.

Musenero era yagambye nti abantu abagenda okufuluma ku yinivasite mu myaka emitono mu maaso bagenda kuba bayiiya nnyo, ate nga ne Gavumenti ebaleetedde enkola empya ey'okwongera ku buyiiya bw'abayizi abavudde ku Yunivasite.

Enkola eno ereeteddwa n'ekigendererwa eky'okumalawo abayizi abava ku yunivasite nga tewali kye basobola kuyiiya, ne badda mu kunoonya emirimu, olw'okuba ensomesa tebateekateeka bulungi. Wano gavumenti wereetedde essomo ery'emyezi omukaaga eri abayizi abamaze okutikkirwa mu masomo ga ssaayansi, ng'essira ligenda kuteekebwa ku kubayamba okusumulula obwongo bwabwe, bafuuke abayiiya.

Musenero yajjukizza Bannayuganda nti nga gavumenti ya NRM tennaba kuteeka maanyi mu kusitula baana bawala mu bya ssaayansi, abawala abeewangayo okukola ssaayansi baali baamuswaba nnyo, n'awa eky'okulabirako ekikye kennyini, kubanga bwe yali atandika siniya esooka mu 1991, abawala bangi baali batya okusoma ssaayansi, era nga baweebwa amagezi obutetantala, era ye ekyamuyamba lyali ssomero lye yalimu erya Bubulo Girls High School, eryalimu abawala bokka nga tebatya kukola ssaayansi.

Yawadde abawala abato abaagala okukola ssaayansi amagezi, okuzimba obuvumu nga bakyali bato, basobole okubeera abawanguzi buli gye banagenda, kubanga naye okutuuka okukola obulungi ssaayansi yali yekkiririzaamu okuva nga muto, era nga ssaayansi gwayagala.

Abasomesa yabasabye okukubiriza abayizi abawala n'okubazzaamu amaanyi, basobole okusoma ssaayansi, kubanga emikisa mingi egiri mu masomo gano.

Yeebazizza Gavumenti olw'okufaayo okusitula abakazi n'okubawa omukisa okuweereza eggwanga mu bifo by'obukulembeze.

Yasabye bajeti ya minisitule ya ssaayansi okwongezebwa, basobole okukola ebintu ebiwerako, n'agamba nti mu myaka etaano egiyise bakoze ebintu ebingi era ne batuuka ku mutendera gw'okufulumya ebyamaguzi ng'amagezi ga Bannayuganda.

Yawadde eky'okulabirako nti mu kiseera kino Uganda erina obusobozi okufulumya ebika by'eddagala ebiwera 3,000 nga kuliko eddagala lya bika 500 erijjanjaba endwadde enkambwe. Muno mulimu eddagala lya kkansa, sukaali, ne Puleesa. Mu kiseera kino obutiba weebuli, nga beetaaga ssente bazimbe fakitole z'eddagala litandike okufuluma.

Kati balinawo ekkolero ly'eddagala erya Dei BioPharma Limited, erisangibwa e Wakiso, nga eddagala erisinga Bannayuganda lye bayiiyiiza bagenda kulifulumiza mu fakitole eno.

## WIIKI YA SSAAYANSI YA MU APRIL

Wiiki ya Ssaayansi ey'omwaka guno, Musenero yagambye nti egenda kubaawo mu wiiki esembayo mu mwezi gwa April, ku kisaawe ky'Ameefuga e Kololo.

Wiiki eno ebeeramu omwoleso gwa ssaayansi, era abayiiya bangi mu kisaawe kya ssaayansi babeera Kololo nga boolesa ebiyiiye byabwe, Musenero kye yagambye nti kiwa omwagaanya abantu baabulijjo okwogeramu ne Bannassaayansi abazibu ab'okulaba mu nnaku endala kubanga babeera mu labalatole zaabwe nga bayiiya.

Omwaka guno Musenero yagambye nti essira balitadde ku kulaga eggwanga engeri emirimu gyabwe nga Bannassaayansi bwe gigasse ettoffaali ku nkulaakulana y'eggwanga, okulaba nga ebyenfuna bikula okutuuka ku buwumbi 500 obwa doola mu myaka 15 egijja.



Polof. Bruce Kirenga (wakati), Dr. Musenero (owookubiri ku ddyo) ne Brig. Edith Nakalema (ku ddyo) bwe baali boogera n'abayizi mu mwoleso gw'ebyassaayansi.